



# Obulwadge bwa Peste des Petits Ruminants (PPR) (Kawumpuli w'embuzi n'endiga)

Obulwadge bw'ebisolo obutakwaata bantu

## Ebisolo ebikwatibwaako Okulwaaza

- |  |   |
|--|---|
| <ul style="list-style-type: none"> <li>Endiga</li> <li>Embuzi</li> </ul> | <ul style="list-style-type: none"> <li><u>Byoyina okumanya</u> : obulwadge bwa <i>Peste des Petit Ruminants</i> bumanyikiddwa nga "kawumpuli w'endiga n'embuzi" obutambulira mumusaayi era nga bukwata mangu okuva kukisolo ekimu okudda kukirala.</li> <li><u>Akawuka</u> : kali mu kika kya <i>Morbillivirus</i>, eri ekitundu ku <i>Paramyxoviridae</i>, era tekasobola kulama mumbeera y'obutonde.</li> <li><u>Ennaku z'ebulabikiramu</u> : okuva ku nnaku 3 okutuuka ku 6</li> </ul> |
|--|---|



## Obubonero bw'eddwaliro Okusiiga

- |   |  |  |
|---|--|--|
| <ul style="list-style-type: none"> <li>Omusujja ogwa kibwatukira nga gw'amaanyi</li> <li>Obwennyamivu</li> <li>Amaziga mu maaso (👁️ 1), ennyindo (👁️ 2) okulukuta, amalusu okuva mu kamwa nga bisooka kubeera bitangavu nebifuka byamasira.</li> <li>Ekiddukano ekyamanyi, oluusi nga kirimu omusaayi (👁️ 3)</li> <li>Okukalubirizibwa mu kussa, n'okukolola</li> <li>Amabwa mu kamwa (👁️ 4), ekisolo nga tekilya</li> <li>Emiwaatwa gy'ennyindo okujjama enjjatika n'egyikala</li> <li>Okusowola</li> <li>Okuffa kibwatukira (mu nnaku 5 okutuuka ku10)</li> </ul> | <p><b>Nga bamaze okukebera ekisolo ekifudde</b></p> <ul style="list-style-type: none"> <li>Omusaayi mu mawuggwe (👁️ 5)</li> <li>Ekyenda ekinene okumyuka no'kujjama obukuubo (👁️ 6)</li> </ul> | <ul style="list-style-type: none"> <li><u>Butereevu</u> : Ekisolo kisobola okukwaatibwa butereevu nga kikutte kukisolo ekirwade oba okuyita mukulya ebivudde mukisolo ekirwade</li> <li><u>Obutakwatibwa butereevu</u> : naye okuyita bikozezebwa okugeza nga obusa, emmere, engoye, ebikozezebwa,...</li> </ul> |
|---|--|--|



## Ebikung'anyizibwa / Ebyokweekebejja mu laboratory Obujjanjabi

- |   |   |  |
|---|---|--|
| <ul style="list-style-type: none"> <li><u>Ekisolo ekiramu</u>: Kung'anya miiru tano (5ml) ezo'musaayi mukaccupa akaguziyiza okwekwaata. Funa akati akaliko pamba ojjeke oluzzi lwo' munyindo, amaaso nakamwa oba okufuna seramu.</li> </ul> | <ul style="list-style-type: none"> <li><u>Nga bamaze okukebera ekisolo ekifudde</u> : Funa akanyama okuva ku mawuggwe, ensanjabavu, ebyenda, na'kawago</li> </ul> | <ul style="list-style-type: none"> <li>Tewali bujjanjabi bwa ddala, okuleka okujjanjaba obubonero</li> <li>Ebisolo ebifudde namawako agavuddemu bilina okuzikibwa wansi ddala era n'ebisanyizibwaawo ne quicklime</li> </ul> |
|---|---|--|



***Amagezi agakuweebwa  
n'emitendera egyirina  
okukolebwa ku bikwata ku  
kirwadde kya peste des petits  
ruminants.***

Eri omusawo w'ebisolo owa *certificate* oba *diploma* mubyobulamu bw'ebisolo:

- Okuggalira ebisolo n'okubiteeka mu kikomera;
- Okulabirira engeri ebisolo gyebisalibwaamu n'engeri ebifudde gyebisanyizibwaawo n'ebyo ebibeera bivudde mumbuto.

Eri omusawo w'ebisolo owa *degree* eyekozeza oba okolera Gavumenti :

- Tumukubiriza okusala ensolo eddwaade (nga atekako sitaampu). Abawe amagezi okusala ensolo endwadde okusobola okuzimalamu mukisibo
- Atekewo puloguraamu y'okugema ebisolo ekolera'wamu n'mateeka agafuga eby'obulamu bw'ebisolo mu ggwanga.